

06th September 2015.

OBUBEEZI OBUTULEETERWA OBUGONVU ERI MUKAMA.

Yokaana 14.

Mu ssuula Yesu Kristo mwe yayoleseza okuba Ekkobo, N'amazima, N'obulamu eri abayigirizwa be mu ssaawa mwe baali abeelariikirivu ennyo, olw'okuba ebibuuzo byabwe, n'okwanukula kwaabwe gyaali byalaga obweetaavu bwaabwe mu kwaagala okuba ne Yesu Kristo mukwano gwaabwe omwaagalwa ennyo ate Mukama waabwe omulungi ennyo, n'era omulamwa gw'okubudaabuda kwe gyebali gwaali mu kubeera kwe nabo ddala, wadde nga tebamulaba na maaso gaabwe oba omukwaatako nga bwe babadde batabagana naye, - kyabaava beetaaga okumukkiririzaamu mu ngeri yemu gye bakkiririza mu Katonda Kitaffe ali mu ggulu. Yesu kyeyafuba okubazzaamu omwooyo nakyo nti "mu kkiririza mu Katonda gwe mutalabanga, nange kaakano munzikiririzeemu mungeri yemu, kubanga nze naye tuli kye kimu."

Peetero oluvannyuma ng'amaze okkitegeera ky'ava agamba mu I Peetero 1:8,9 nti Kubanga nga bwe gwaali mu kiro kino bwe twaalaba omulundi oguwedde, essira Yesu yalissa ku bweetaavu bwaabwe okukkiriza, basobole okkwaasaganya okwolesebwa kwe gyebali n'ebisuubizo bye byonna gyebali obutuufu.

Mu kifo ky'okweyongerayo we twaakoma omulundi ogwaggwa,(Inny.15), okufuna obulambukufu bwakyo obulungi nsaba tutandikire ku ntandikwa ye ssuula okufuna obulungi okusomesebwa ku mulamwa gwa leero.....[Tusome].

Mu byawandiikibwa byaffe leero, tulaba nga Yesu Kristo yawa abayigirizwa be okubikkulirwa kwa mirundi esatu; Okubikkulirwa kw'obuntu bwe (His person), okubikkulirwa kw'amaanyi ge (His power), n'okubikkulirwa kw'ebisuubizo bye (His promise). Era nga naffe kwe kubikkulirwa kwatuwa leero ogganyulwamu.

Nga bwe twaawulira ogwaggwa, omusomesa Barclay eyagamba nti Okukkiriza mu Yesu Kristo n'okuba n'essuubi mu bisuubizo bye kye kikakasa okubudaabudibwa kw'emitima gyaffe, kubanga wajja ekiseera we tulina okukkiriza wetutasobola kukakasa, n'okukkiriza wetutasobola kutegeera.

Mu ssaawa eyakazigizigi bwe tukkiriza nti waliwo omugaso mu bulamu era ng'omugaso ogwo kwe kwagala, n'ebitasoboka biyinzika, era ne mu kizikiza mu baamu akatangaala.

Mu kubikkulirwa kw'obuntu bwe era obwa Katonda bwe gye baali, wadde entakera yajja abategeeza okuba kwe kyekimu era obumu ne Kitaawe era Kitaffe Katonda, ate ng'emirundi mingi okwasanguza kwe ekyo kyaali kileetera Abayudaaya okwagala ommugajambulirawo nga bwe bagamba nti avvoola. Nga bwegwaali mu ssuula 5:10 -23,26; 8:58; 9:35; 10 :30,38; 12:41; ate bwe twamwanjulwa naffe mu ssuula 1:1-3,14,17,18, tuzze tulaba nti gwaali mulamwa mukulu nnyo mu njiri ya Yokaana, ffena tukimatire ekyo omutume Paulo naye kye yagamba mu Bakolosaayi 1:15 awamu ne mu 2:9 nti.....

Yesu ky'ava afuba ekiro ekyo okubakalaatira mu nny.10,11, nti.....

Era mu kumukkiririzaamu olw'emirimu gye gyebali abawa okubikkulirwa kw'okuba n'amaanyi gegamu gebagenda okusigala nago wadde ng'avuddewo, bwabakakasa mu lny 12 -14 nti....

Buno bwe busobozi bwabakakasa bwe banaaba nabwo okkola byabadde akola mu ngeri ebazaamu Ye bwabade akola kubanga bonna bajja kuba basobola okkola nga yye, ssi nti banaakola okumusinga....., kye kiva kibagwaanidde ogguma emyooyo, basanyukire obuweereza bwe kubanga bugenda kweyongerera mu bbo mu bungi obuyitirivu.

Era eyandibadde ng'entikko y'okubazzaamu amaanyi kwe ku bikkulirwa kw'ekisuubizo kye gyebali ky'okubeera nabo ate era mu bbo mu mbala Y'Omwoyo Omutukuvu, esinziira mu bukuumi bwaabwe obw'okwagala kwaabwe gyaali mu kugonderanga ebiragiro bye byonna gyebali. Kino kyabagamba mu nny.15 -18; 23.

Ky'ava abakakasizaawo mu lny. 25 ne 29, kubanga nga bamaze obyelabirako obutuufu bwabyo byonna bwe baabakakasa Amazima ge, okuba Ekkubo eri Katonda nti era Okuzuukira kwe kwaali kukakasiza ddala nti mu yye mwe muli Obulamu.